mulirwaana atiribiza ebbina

Posted by omumbejja - 2007/10/30 19:54

Banange ono omwami simanyi linnya lye naye mukamuliranwa eyajja okwebbila kumatooke agali ga gadangiraawo laba nyinigo bwamukwaata lubona, omukyaala nasalawo mbu amusasulemu nkangala, kwegamba nyinimu ye abe nga yasituka addawo ,kyokka mbu yali akyamuwunzise nga mulengeza ebugwanjuba nenyiniye weyabagwirako, webyagweera nga bamusibye kyokka eyamusibisa naye nakakkana kumukomusibe yegweera mbu anti aganza mukomusibe nolukono asimba . omusiibe agenda okuva mu mbuzi ekogga yasanga eyamusibya naye bamugabila byaalo kabe kasinge nolusuku lwe balutwalilamu mu bya mugabirwa ekyo kyetuyita olya nange bwendya yemmere ewooma

==========

Re:mulirwaana atiribiza ebbina

Posted by Kalibattanya - 2007/10/31 02:54

Ogamba Mukyala Neighbour wa Kapale? Olwo nga nze sirumanyi lwogamba, oyinza okulufunako ebisinga naffe netulabako netunyumya ku mboozi eno erabika nga etaba bulungi!

==========

Re:mulirwaana atiribiza ebbina

Posted by omumbejja - 2007/10/31 06:44

---

oluyimba luyitibwa muliraanwa naye telurina linya aluyimba kuliko artist naye lwo lwakabi mpozzi Mike yanalututeera mu jukebox kuba tomanya lwalussaako songa eri mu jukebox oluzanya essaawa yonna jobeera oyagadde.

==========

Re:mulirwaana atiribiza ebbina

Posted by Meli - 2007/10/31 22:19

Nze luno oluyimba lumbuze ku YouTube. Ndowooza abantu kati YouTube bagyekengera, nti abamu bayinza okuba nga basitulako ennyimba. Kubanga wandibadde kifo kirungi nnyo kya kwelanga, lwaki bangi tebakikozesa?

==========

Re:mulirwaana atiribiza ebbina

Posted by JBugonzi - 2007/10/31 23:54

MELI nyabo,OMUYIMBI YE KIBIJJIGILI NDOWOOZA. NAYE SINGA WALI GWE NGA GWEBAKWATIDDE MU LUSUKU NGA OYUNJA ENKOTTA ZOOTASIMBA,WANDIKILIZZA OKUSWAZIBWA NGA,ATE OLINA EKYOBUTONDE KYO? GWE ATE NYABO EKITAGWAAWO,OBA EKITALYA MERE?

==========

Re:mulirwaana atiribiza ebbina

Posted by Mirembe2007 - 2007/11/01 02:32

Oyo omukyala bamusanga nga yali mwangu kubanga bulijjo omuntu bwazza omusango tekiteegeza nti alina kweyambula ngoye bigwere owo. Telyali bbina lyoka lyeyatiribiza nobutamanya bwalimu kubanga silimu ono atutte abakulu nabato gwe era nga oyilatila ngaweyambula ngate ekibi kilawa okukila engoma olwenkota yetooke ebiddilila kukeberebwa ngabakusanga wayiwadda. Ebbina nenkota yetooke tebikwatagana guli gwalimusango bandibadde batwala wamuluka ngamaala musango .Oluyimba lwa Kapere nalwo luyina kyeruyigiliza abaami abaleeka bakyala babwe awaka ngabalowoza nti besimbu ekibi obwenzi bungi nnyo munsiyattu era tulabye nnyo nnyo kubanga nabaana batandiika okwegagula kubuntu obutono ennyo ebivaamu sibilungi nakamu kale mwe abaami munywere eri balilanwa ensonyi tekyali zagwaamudda.

==========

Re:mulirwaana atiribiza ebbina

Posted by Meli - 2007/11/01 08:25

Ate tetwakulamusizza nako maama Mirembe2007. Wabula lyo erinnya lyo ttuufu ddala, Mirembe-owomulembe, ndowooza ekyo kyelitegeeza. Ogujja nkwegayiridde fuuka Mirembe2008, kubanga Mirembe tegiggwa ku mulembe, or so we would like it to be.

==========

Re:mulirwaana atiribiza ebbina

Posted by Phad - 2007/11/01 13:19

Yeah Mwami Bugonzi webale kutangazaamu awo.

Oluyimba lwayimbibwa Kajubi nickname "Kibijjigiri".

Naye ate bwe tudda ku ky'abaami obutataliza, mu luyimba lwa Roy Kapale"Mukyala Neighbour" omwami yali agezaako kukoma ku mukyala neighbour alekere awo okumusomooza nga akabina akanyeenyesa effujjo nga katolotooma obugambogambo.Wano omukyala yali alaze obumalirivu okutengula omwami.....Yiiii Sitaaani ono!!

==========